# Abakugu balaze obukulu bwa yinsuwa y'ebyobulamu

Bya JAMES MAGALA

Nsambya

ABAKUGU mu bya Yinsuwa balaze obwetaavu bw'okwongera okusomesa Bannayuganda ku bukulu bwa Yinsuwa ez'enjawulo naddala ey'ebyobulamu kuba etaasa mu mbeera ng'obulwadde buguddewo nga tewali ssente mu kiseera ekyo ne we kyetaagisiza ssente ennyingi.

Okusinziira ku kunoonyereza okuzze kukolebwa Bannayuganda batono nnyo abettanira enkola za Yinsuwa nti era bangi balowooza Yinsuwa za bagagga.

Abakugu mu bya Yinsuwa baasinzidde mu Kampala ku mukolo ekibiina kya Insurers Association of Uganda kwe kisiimidde Bannabyayinsuwa abanywedde mu bannaabwe akendo omubadde n'aba Jubilee Insurance ne bategeeza nti ekiseera kituuse Bannayuganda bongere okusomesebwa ku nkola za Yinsuwa ez'enjawulo okutambuza obulamu nga tebakaluubirirwa.

Mu bubaka bwabwe obwasomeddwa akolanga akulira Jubilee Life Insurance mu Uganda, Eugine Mutekhele, abakugu mu bya Yinsuwa bagamba nti singa Bannayuganda bongera okumanyisibwa ku yinsuwa kyakuyamba okutambuza obulamu nga tebakaluubirizibwa n'okutaasa obulamu naddala ng'abantu balwadde.

Bagamba nti abantu bangi basobola okwetuusako obujjanjabi obw'ekikugu singa baba beeyambisizza Yinsuwa y'ebyobulamu.

Nelson Nsubuga eyanywedde mu bannaabwe akendo yeeyamye okwongera okubunyisa enjiri mu Bannayuganda bonna.



Nelson Nsubuga (ku kkono) ne Eugine Mutekhele ku mukolo.